# Okusaba

## Lwaki tulina okusaba?

Okusaaba kitegeza okwogera ne Katonda era kilinganga okuusa eri obulamu bwaffe obw'omwoyo. Katonda alina ky'akwagalamu era ayagala enkolagana naawe. Era ky'ekimu nga nemunkolagana zonna endala: Gyetweyongera enyo era mumazima okwogera ne banaffe, enkwatagana yaffe bweyeyongera mubuziba era n'okunywera.

**Mataayo 6:5-13**

*Kiiki kyetuyiga waano ku kusaaba?*

## Ebiika mukaga eby'okusaaba

**Okutendereza:** Okusinza Mukama kulw'ekyo ky'ali. (Zabuuli 34:2)

**Okw'ebaaza:** Webaze Mukama kulw'ekisa kye era ne kulw'obugabilizi. (1 Abaasesalonika 5:18)

**Kungubaga:** Kaabila wagulu nyo era lagga okw'emulugunyako eri Katonda. (Zabuuli 13:1-3)

**Yatula ebibbi byo:** Saaba Katonda okusonyiwa ebibbi byo. (1 Yokanna 1:9)

**Eby'okusaaba:** Saaba Katonda okusisinkana eby'etago byo. (Abaffilipi 4:6-7)

**Okw'egayilila:** Saaba Mukama okusisinkana eby'etago by'abalala. (1 Timosewo 2:1)

## Engeri okwagala kwa Katonda gyekuyisamu okusaaba kwaffe

Waliwo ebikka bisaatu eby'enjawulo ebikwatagana n'okusaaba okwagala kwa Katonda:

1. Katonda yamazedda okukola okusalawo

   Eky'okulabilako: “Mukama, njagala okuzalibwa ekisera ekilala era ne mukiffo kilala.”

   → *Newankubade nga osaaba otya, tewali kilikyuka.*

2. Katonda amanyi nti byetusaba ebisera ebisinga sibiluji gyetuli. Naye olw'ensonga nti tusigala nga tubisaba era nga tetuwuliliza na ky'ayagala kutugamba, kunkomelero akiliza nti “kaale”, nga asubila nti tunayigira kubiva mw'ekyo.

   Eky'okulabilako: omwana omutto ajja eri bazadebe nga ayagala okutwala ekikopo ky'amazzi ku mezza. Omuzadde ye amanyi nti emezza mpanvu eri omwana era n'asalawo okukitwala wamu n'omwana oyo. Naye omwana wadalu: “Agamba nedda! Kankikole” Kunkomelero omuzade n'akiliza. Naye nga bwebasubila, omwana osuula ekikopo.

   Omuzade ogumya omwana, amuwa engoye enkalu era amusangulako amazzi. Nate era n'atessa nti batwale ekikopo bonna. Kumulundi guno omwana akiliza era bonna baaba basanyufu.

   → *Ky'osaaba ddala ddala ky'abulunji? Osaaba n'ebigendelerwa ebituffu?*

   → *Oyinna okutwala obuvunanyizibwa kubinavamu.*

3. Tusaaba okusinzila kukigendelerwa kya Katonda

   → *Ajjakukikola! Zuula kubisingako awo ku kigendelerwa kya Katonda era okisaabe. (1 Yokanna 5:14)*

## Ebitaala bya jjamu: Ekifananyi kya Katonda ku kudibwamu kw'esaala zaffe

| | | |
|---|---|---|
| “Yee.” | Kitaala kya kilagala | Katonda akiliza era n'akuwa ky'osaabye. |
| “Nedda.” | Kyaaka kimyufu | Katonda takiliziganyiza na kusaabako, Ayinna ekilowozo ekilala. |
| “Lindda.” | Kyaaka kyenvu | Katonda tanaba kudamu, n'olwekyo oyinna okugumikiliza. |

## Okuwuliliza Katonda

Mungeri emu gyetwogera ne Katonda, naye ayagala okw'ogera naffe. Gyetweyongera okumala obudde naye, gyetweyongera okumanyila edobozi Lye. Bibino ebintu binna by'oyina okutambulilamu kukino:

- **Okubela omukakamu mu maaso ga Katonda:** Funayo ekiffo w'oyinza okubera n'otabuzabuzibwa era nga oyinna okadde okukakanya ebilowozo byo. Kulw'ebintu byonna ebiyinza okuuba nga bikyagenda mu maaso mumutwe go: Biweyo eri Katonda oba biwandikeko emabali obidile oluvanyuma osobole kaati okufokasinga ku Katonda.
- **Okulaba:** Katonda tatera kogera na ddobozi eririwagulu enyo, n'olwekyo toyina kufayo nyo eri amattu go. Wabula ayagala nyo okukozesa endowoza zaffe era ebisera ebisinga okutulaga ebintu ebiri “mumaaso g'endowoza zaffe”.
- **Ebilowozo by'embagilawo:** Nga tufunye omwoyo omutukuvu, Akwatta ku kulowoza kwaffe. Gyetweyongera okumuwa akaganya, gyeyeyongera okuwagala endowoza zaffe. Katonda tatera kw'ogera na dobozi lya wagulu. Ayogera mporampora okuyita mubilowozo ebijja mu ndowoza zaffe.
- **Okuwandika wansi:** Kyamugaso nyo okuwandika embozzi ne Katonda, nga tugasemu n'ebibuzo byaffe gy'ali era n'endowoza zetuffuna nga eky'okudibwamu. Toganya bulikilowozo kyonna, nga obuuza nti oba kiiva eri Katonda oba nedda, naye wandika bulikimu kyonna nga tolonzemu. Oluvanyuma osobola okukebera obanga tewekakasa ku nsonga ezimu.

(Gelagelanya K'abbakuku 2:1-2)

## Ebisingawo

- Tusobola okogera ne Katonda nga bwetogera n'omuntu omulala. Awulila byetwogera munda mu mutima gwaffe.
  Okusingira ddala singa nga tuli ne banaffe kilunji **okusabila wagulu** kisobole okubera embozi yamwe mwenna ne Katonda.
- Ebisera ebimu twetaga **okulemelako** mu kusaaba: “Awo Yesu n'agerera olugero abayigerizwa bbe okubalaga nti batekedwa okusaba bulikisera era obutawanika.” (Luuka 18:1).
- Tusobola okusaaba **akadde konna** era **mukiffo kyonna**.
- **Tusaaba mu Linnya lya Yesu** (Yokanna 14:13)

  Akuuwa amanyi okukolera kuludalwe. Twetaga okusaba Yesu kyeyandi sabye. Awo tusaba “okwagala kwe” era ajja kwanukula. Ekikulu: “mu Linnya erya Yesu” singeri ya buufusa esala mw'efukila mungeri eyenjawulo nti y'amanyi.
- Katonda atuwade **obuyinza** okuyita mu Yesu bwetusobola okukozesa mu kusaaba. Ekyo kitegeza nti tusobola **okulangilira** ebintu (eky'okulabirako. Okulangilila omukisa, okugana ekibbi oba okusa wansi obulumbaganyi bw'omumwoyo omukyamu)
  Tusobola era **okulagira** endwade oba emizimu okutuvila (Luuka 9:1-2).

## Eky'okukola

*Kiiki ku biika omukaga eby'okusaaba (okutendeleza, okwebaza, okukungubaga, okwatula ebibbi, okusaaba ebyetago byo, okwegayilila) okyayagala okweyongerako mu bulamu bo obw'okusaaba?*

*Bibuzoki by'oyagala okubuza Katonda? Ludawa era kiseraki ekituffu?*

## Ebilubililwa byange:

*Obubakabuno bwabwerere osobola okubukozesa mungeri yona, tebuliko bukwakulizo (CC0). Vazoni 1.1*